# KINGS COLLEGE BUDDO BAJAGUZZA EMYAKA 120: Gavt. egumizza ku misaala

Bya PETER SSUUNA
NE DENIS KIZITO

OMUMYUKA wa Pulezidenti w'eggwanga, Rtd. Major Jessica Alupo agumizza abasomesa ba 'Arts' ng'omusaala gwabwe bwe gugenda okulinnya okutuuka ku bitundu 25 ku 100 nga kyakutandika mu bajeti ya July, 2026.

Yategeezezza nti, baakwongera okwogerezeganya nabo batuuke ku mutendera gwa bannaabwe aba ssaayansi kyokka n'abasaba okuba abagumiikiriza.

Bino yabyogeredde ku mukolo ng'aba Kings College Buddo abaajaguzza emyaka 120 bukya bayingira ekisaawe ky'ebyenjigiriza ne yeebaza Obwakabaka bwa Buganda obwawaayo ettaka okutudde essomero erigunjudde abantu ab'enkizo mu ggwanga n'ebweru waalyo.

Yayongeddeko nti, Gavumenti yaakwongera okwenyigira mu nteekateeka ez'enjawulo ezitwala essomero lino mu maaso, omuli okusasula abamu ku basomesa.

Alupo era yasiimye emirimu emirungi omukulu w'essomero abaddeko, Can. John Fred Kazibwe gy'akoledde essomero n'ayozaayoza omuggya Godfrey Kasamba n'asuubiza okumukwatirako mu nsonga ez'enjawulo.



Alupo ng'asala keeki y'okujaguza emyaka 120. Addiriddwa Bp. Banja (mu byambalo ebimyufu) n'abakungu abalala. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Yasabye abakulira essomero okwenyigira mu nteekateeka empya ez'ensoma nga tekinologiya, ezinaayamba okubangula abayizi okutuuka ku ddaala ly'ensi yonna.

Omukolo guno gwatandise na kusaba okwakulembeddwa omulabirizi w'e Namirembe, Moses Banja eyeebazizza Obwakabaka obwawaayo ettaka ly'essomero.

Yatenderezza omulimu ogw'enjawulo Gavumenti gw'ekola okuyamba mu nzirukanya y'essomero ng'eyita mu minisitule y'ebyenjigiriza.

Yakubirizza abakkiriza okukuuma emirembe nga balabira ku Yesu Kristu omwagazi w'eddembe omukulu. Banja yavumiridde abaserikale b'oku nguudo abasaba enguzi okusinga okutaasa obulamu bw'abantu. Yawadde eky'okulabirako ky'omuserikale eyakaze emmunye n'amusaba ekyoja mumiro bwe yamusabye ebimu ku bisaanyizo nga tabirina.

Banja agamba nti, bwe yamusabye lisiiti asasulire okwo, omuserikale ne yeebuzaabuza.

Ng'abakkiriza bajaguza olunaku lw'Amatabi, Banja era yabasabye okukuuma emibiri gyabwe nga mitukuvu eri Yesu Kristu mw'anaawummulira okufaanana ne Yeekaalo ya Yeruzaalemu.

Omukulu w'essomero, Godfrey Kasamba yategeezezza nti, omulamwa gw'omwaka guno gubadde 'Omukululo n'obuwanguzi' ng'abyesigamya ku buwanguzi Buddo bw'etuuseeko emyaka 120 ng'ebangula Bannayuganda.

Kasamba yanokoddeyo ebimu ku bye batuuseeko ekiseera kino ng'okusomesa abayizi abutuukana n'omulembe, ebizimbe ku ssomero, eby'amazzi, n'ebirala.

Ssentebe w'olukiiko olufuga essomero, Jimmy Rogers Katende yategeezezza nti, baakuwagira omukulu w'essomero omuggya okulaba nga Kings College Buddo eyongera okutinta, n'agamba nti, kati essira balitadde ku by'okusomesa ebyobulimi n'obulunzi.

Oluvannyuma Alupo yakwasizza ebirabo abamu ku bakoledde essomero lino ebirungi omubadde n'omukadde Norah Namakula ow'emyaka 104 omu ku bawala 12 abaasooka e Buddo mu 1933.